
# OKWOLESEBWA 7000

## Amawulire g'ensi yonna



Ewald Frank

# «OKWOLESEBWA 7000»

## Amawulire g'ensi yonna


**Obunnabbi bwa Baibuli bwe bwogeera eky'enkomeredde**

**Eby'ayogerwa okubaawo kakaano we biri**

**Ekubo lya Katonda gye tuli lye kubo lyaffe eri Katonda**

**N'omuweereza Ewald Frank**

# THE BIBLICAL COURSE OF TIME




„. . . . even from everlasting to everlasting, thou art God!“ (Ps. 90: 2).

Thus saith the Lord: „Declaring the end from the beginning, and from ancient times the things that are not yet done, saying, My counsel shall stand, and I will do all my pleasure . . .“ (Isa. 46: 10).

Abakyala n'abami

Kikwetagisa edakika ntono ku kaseerako ak'omuwendo okusoma akatabo kano mu bumpi. Tuli mu kaseera ak'enjawulo era n'omulembe ogw'omugaso. Buli lunaku tufuna amawulire ku bintu bingi ebibeerawo. Amawulire aga yogerwa emyaka kumi egiyise, kye kintu kakaano ky'etulaba mu mawulire buli lunaku. Obutabanguko bw'ensi, enjala, entalo, ebika era “n'obutubagiro mu mawanga” era n'okutta, obw'analukalala obw'enzikkiriza era n'emisango ezilopeddwa mu nsi yonna. Mu nsi y'emu ku lubalama lw'ebugwanjuba waliwo obwaguga bw'ebibira ebikwata omuliro, naye ku kaseera ke k'amu ku lubalama lw'ebuvanjuba waliyo amataba n'omuyaga oguleeka nga gusanyizaawo ebintu bingi emabega. Tewaliwo kiriwo kakaano nga bwe kyali. Buli omu oyagera ebyo okuva obulumbaganyi obwatuuka ku Kifo eky'obusuubuzi obw'ensi yonna mu New York ne Pentagon mu washington mu mwezi gw'omwenda 11, 2001. ku lwa byonna eby'obufuzi, eby'enfuna era n'ebizibu eby'abantu tetulaba kiyinza kuyamba bantu oba mu nsi oba mu mawanga g'ensi yonna.

Mu kitabo kino twagala okukwata kw'ebyo ebigenda mu maaso okusinzira ku Baibuli nga bw'eyogera, nga bwe kisangibwa mu »kigambo ky'obunnabbi«. Tuli kutuuka ku kiseera ky'enkomerero y'ekisa. Emyaka 6,000 ziyise okuva omuntu eyasooka bwe yalaba ekitangala ky'ensi eno. Mu kubaala okugonvu, waaliwo emyaka 2,000 okuva ku Adamu okutuuka ku Ibulayimu, era nate n'okuva ku Ibulayimu okutuuka ku Kristo emyaka 2,000 era okuva ku kuzaalibwa kwa Kristo tumaze ekiseera ky'emyaka emilala 2,000. Mu ngeri entuufu ekibuuzo kakaano kibuuzibwa, oba nga ekkanisa etali ya myaka kumi oba emyaka lukumi egenda kuleeta ekitabeerangawoko mu byafaayo by'omuntu.

Ebyogerwa ku bino kubadde kw'eyongera okuva ku ntandiikwa y'emyaka lukumi. Abakugu mu lwatu bakkiriza nti ebisuubirwa biragira ddala nga bituuse, okusingira ddala ebikwata ku makati g'ebuvanjuba. Bw'ekityo, waliwo nabo aboogera awatali ku bakugira, nga omusajja omuna Congress mu U.S. bwe yakola. Eya yogera, “Kilabika ffe mulembe ogusooka ogutegeera nti

ffe basembayo mu mulembe guno.”waliwo okw'ogera kungi ku »eschatology« era ne ku »apocalyptic inferno« ebisuubirwa okujja ku nsi amangu ennyo. Kakaano ensi yonna ezuukuse era kakaano yelarikiridde ebyo ebijja mu maaso kye binaleeta. Tulina okubuuza abo aboogera nti ebijja ku masomo ag'omugaso bw'egatyo? Tuddeyo emabega ku byayogerwa n'omuwandiisi we bitabo omufalansa ayitibwa Nostradamus oba abalala bannabbi abelonda bennyini ku lw'okuteesa era ne bageezako okunyonyola okutebereza kwabwe? Tubuuze aboogera ku mukisa oba aboogera eby'obwa Katonda? Oba tuyinza okusanga amazima era n'okuddibwamu okw'esigamwako eri ebibuuzo bino byonna mu byawandiikibwa ebitukuvu? Kituufu, tuyinza awatali kubuusabuu, kubanga kyawandiikibwa, *“Era ekisinga obunywevu tulina ekigambo kya bannabbi; mukola bulungi okukiraba ekyo, ng'ettabaaza eyakira mu kifo eky'ekizikiza …”* (2Peetero 1:19).

Egulire lyekiseera okuva mu byawandiikibwa ebitukuvu yetagisa ennyo era lirina okusembezebwa era ne lisiimibwa mu mazima eri bonna abagala okumanya ebyo ebigenda okubaawo. Katonda, oyo amanyi byonna, yandiba ku Lubereberye yawandiika ebyafayo n'okutuusa ku nkomerero. Abantu bawandiika ebyafayo wokka nga ebintu bimaze okubeerawo, naye Katonda yawandiika ebyafayo byonna ne »ntegeka ey'obuloko zi« okubeera nga emalirizibwa mu biseera bino n'okutuusa mu butagwaawo era ne ggulu empya era n'ensi bwe liriba. Ebyo ebibaddewo era n'embeera mu bulambulukufu byateekebwa mu byawandiikibwa ebitukuvu. Tebizikka mabega era bijja kubeerawo.

Mu »Kwolesebwa 7000« ekigendererwa ekikulu kwe kuleeta obuwulize bwaffe ku ekyo kyennyini ekigenda okubeerawo mu biseera bitono ebijja mu maaso era n'okulaga e'ngeri y'okwewonya, ng'olunaku olw'emisango olw'entisa terunnatuuka, “Kubanga bwe lutyo bwe lulituuka ku bonna abali ku nsi yonna …” (Lukka 21:34-46). mu kw'efaananyiza ku by'enkulankulana ebiriwo kakaano, tuyinza okufuna mu bulambulukufu gye tulaga mu byawandiikibwa ebitukuvu. Era nawo tuyinza okutegeera ebyayogerwako »obubonbero obw'ekiseera« “bwe mutyo nammwe, bwe mulaba ebigambo ebyo byonna

mutegeere nti ali kumpi, ku luggi." (Matayo 24:33). Newakubadde ku lwe myaka 2,000 tewali kikola ekitambula; mu nsi ekyatumibwa buterevu okuva mu ggulu ekirabikka ng'ekibaddewo era abantu bakisanga nga kikalubu nti Katonda alina okuyingira mu byafayo – awatali kubuusabuusa kiri beerawo, kubanga kyayogerwa mu Kigambo kya Katonda.

Ebintu ebitabangawoko n'enkulankulana mu myaka egiyise mu nsi yonna, okusingira ddala ebulaya okuva mu kyukakyuka y'emirembe mu mwezi gw'ekkumi/ n'ogwekkumi n'omu 1989, n'abyo byegata ku bunnabbi bwa Baibuli. Mu maaso gaffe gennyini »Bulaya eyagattibwa« bwe kiri kakaano, nga bwe kyateekebwa mu »ndagaano y'abaruumi« mu mwaka 1957. Abaali abalabe mu byafayo bafuuse ab'omukwano. Ebuvanjuba n'ebugwanjuba, abaali tebakkiriziganya mu biseera by'olutalo olw'ebigambo, kakaano bali bumu. Akasitaze akawula Germany nga bwe kiri ne semazinga wa bulaya kakaano tekakyaliwo. Tulaba »Bonna nyumba y'abebulaya«, nga mu ekyo mmwe muli ekisenge kya bonna, ekiyitibwa »Bulaya eyagattibwa«. Okuva mu mwezi gw'olubereberye 1, 2002, abantu abasuka obukadde 300 be bayinza okugula nga bakozesa ensimbi ze zimu, esimbi ya bulaya, mu mawanga kkumi n'abiri ag'enjawulo. Kino kimaliriza ekitundu ekisinga omugaso okw'obwegassi bw'amawanga gonna ag'ebulaya »obwakabaka bw'abaruumi«, mu bwakabaka obuna obw'ensi obusembayo nnabbi Danyeri bwe yalaba mu sula 2 ne 7, nga bwe kyayogerwa mu ndagaano enkadde, ky'ogera olinnya kakaano mu maaso gaffe gennyini. Ge »maanyi« ekyayogerwako mu kubikkulirwa okuva mu »Ennyanja y'abantu b'ebulaya« era n'ensi yonna yewunya ku ekyo. »Bulaya eyagattibwa« nga erifuuka kirimaanyi w'ensi yonna, kulwe bintu nga bissatu eby'enfuna, eby'obufuzi n'ebyenzikkiriza ebyamaanyi. Tetuli kukolagana wokka ne by'obufuzi era n'amaanyi g'enfuna ag'amawanga ganno ga kirimaanyi, naye okusingira ddala ne »akulembera mu nzikkiriza« olwa kino »amaanyi« alina ekifuga mu mikono gye era nga yalagira eky'okukola. Buno »obuyinza obw'omwoyo«, ng'akikikirirwa yafisi ya Papa, ekirina okumanyibwa n'enzikkiriza zonna era n'abakulembeze b'amawanga.

Ng'ensi yonna bwe yalaba okugwa kw'amawanga abiri agaali ga kirimaanyi mu 1989/90, so ne kirimaanyi ow'okubiri USA, agabadde amaanyi mu kufufugaza obwa nalukalala okuva mu mwezi gw'omwenda 11, 2001, yeyongera okusereba mu bwa kirimaanyi bwa yo. Kirimaanyi yokka esigaddewo ye »Bulaya eyagattibwa« Ye nateekawo amateeka agafuga ebyobusuubuzi bw'ensi yonna era n'amawulire g'ensi yonna. Tuyinza okulaba ekiwandiikiddwa ku lukomera. Obusembayo "Obwakabaka bwa baruumi", obubaddewo okuvira ddala mu mwaka 30 B.C., okusinzira ku bunnabbi bwa Baibuli bulina okufuga ensi eno omulundi omulala nate ku nkomerero ye kiseera, kubanga bwe kityo bwe kyawandiikibwa: *"Ensolo ey'okuna eriba bwakabaka obw'okuna mu nsi obutalifaanana ng'obwakabaka bwonna, era obulirya ensi zonna, era obulizisambirira, era obulizimenyaamenya."* (Danyeri 7:23).

Enkulankulana kakaano, wadde n'okutakabanira eddembe okugenda mu maaso, kw'ayogerwako mu bunnabbi obw'endagaano enkadde n'empya. Omutume Pawulo yalaba embeera bweri kakaano ku mitendera gyonna mu kulaba ebiribeerawo mu kwolesebwa era nawandiika wansi emyaka nga 2,000 bye tulu kulaba kakaano n'amaaso gaffe gennyini, *"Kubanga mwekka mumanyidde ddala ng'olunaku lwa Mukama waffe lujja ng'omubbi ekiro bwe lutyo. Bwe baliba nga boogera nti Mirembe, siwali kabi, okuzikiriza okw'amangu ne kulyoka kubajjira, ng'okulumwa bwe kujjira omukazi ali olubuto; so tebaliwona n'akatono."* (1 Abasessaloniika 5:2-3). Ekigambo ekikulu "Mirembe" mu kwegatta "n'obukumi" nga bwe yakola mu mwezi gw'ekkumi 27, 1986, Papa yayongezayo okwanirizibwa kw'abakulembeze ekkumi n'ababiri ab'ensikkiriza ezisinga mu nsi okumwegattako mu mwezi gw'olubereberye 24, 2002, mu lukunggana lw'emirembe mu Assisi, Italy. Ekyabateekebwako nti enzikkiriza zibadde zivunanyizibwa ku ntalo mu myaka egyayita kyebava balangirira nti enzikkiriza zonna kakaano zelayirire okulwanyisa entalo n'obwa nalukalala era ne kulw'emirembe n'obwekanya ku nsi.

Okuva Mikhail Gorbatchev yajja mu buyinza mu mwaka 1985, "Olutalo lw'ebigambo" lwa komekerezebwa era enkunggana z'emirembe

z'ategeekebwa emirundi mingi. Mu butuufu, »olukungganao« lwakola ebyafayo ne buvamu »okugonjola obutakwatagana« wakati w'ebuvanjuba n'ebugwanjuba era nekusobozesa okugattibwa kwa Germany okutuukibwako era n'okwefuga kw'amawanga gwonna agaali ga kyali amatwale ga Soviet. Abakulembeze be by'obufuzi bwe basinga okukwatibwako ku kino ekyayogerwa »Mirembe n'obukumi«. Ebintu bwe biti bye bimu ebikozesebwa kakaano mu kwegatta ku nkulankulana mu makati g'ebuvanjuba. Isiraeri yeyongedde era yeyongeredde ddala okufuuka ensonga ey'okwogerwako mu by'obufuzi bw'ensi yonna. Okusingira ddala Yerusaleemi eribeera »okuzitowera amayinja amalala« eri amawanga gonna agetoolodde, nga nnabbi Zeffaniya bye yayogera (esula 12).

Amawulire bwe gogeera ku bikwata ku bin Laden, Mullah Omar, Tora Bora, Afghanistan, era al khaida ediridde emabega. Ekiyinza okukolebwa okugonjola "ekizibu ekinene" gulibeera mulimu ku mukono. Nga bwe kya yogerwa mu byawandiikibwa by'obunnabbi, wajja kubeerawo emirembe egilangiriddwa. Eky'omukisa omubbi, wadde nga Isiraeri eggwanga etono liwayo ekiweebwayo "ensi y'emirembe" newakubadde nga amawanga ge buwarabu gali 640 obunene okusingako Isiraeri, oluvannyuma lw'okukiriziganya kungi okwatuukibwako era n'obukubagano mu banabyabufuzi, nga kye kyoka ekiribeera ekimulisa ky'emirembe, n'omukisa okuva mu b'obuyinza aba waggulu ab'enzikkiriza. Nga bwe kyawandiikibwa, nti ekyo kye kiriba ekiseera okusanyizibwawo bwe kuli butikire abantu. Ekiseera kiri kumpi, kyetuva twetaga okulungamizibwa okuva waggulu.

## OBUWANGWA OBWAKOLEBWA ABANTU

buli omu ku nsi ku nsi alina okukkiriza kw'azaalibwamu oba e'nzikkiriza, era bangi ku bo bagisigalamu okutuusa ku nkomerero, nga tewali n'akuwa kilowoozo okw'ekebejja oba kye bakkiriza ne kye besiga kituufu oba kikyamu. Tebamanyi oyo era yekka alungamya omutuufu, ekyenkomeredde ekye

Kigambo kya Katonda. Wonna kikkirizibwa nti buli omu asigala n'obuwangwa obusikkire. Era ne bangi abakola eby'obuwangwa bwabwe tebagala ku wulira bya Yesu Kristo era n'amasomo ga Baibuli. Abantu bangi bamaliriza ga bagamba nti balimbibwa era babalimbye, mu by'obufuzi era ne mu nzikkiriza oba kiri ne Katonda oba n'edda. Ensonga z'endowooza eno zisangibwa mu nzikkiriza ez'enjawulo z'ennyini. Ekitegeerekeka amangu abantu bangi bali wansi w'okusikkirizibwa nti abakulembeze babwe ab'omwoyo bagenda ku bakolera buli kintu era ne babalungamya mu butuufu. Okuva mu kuzaalibwa kwabwe okutuusa mu kufa kwabwe, obugero n'emikolo gikolebwa awatali kuwulira bubaka bw'obulokozi, awatali mukisa gw'obumanyirivu bw'omuntu obw'obulokozi era basanga emirembe ne Katonda.

E'nzikkiriza z'amaddini n'ebibinjja byabwe si kya kusuubira kyonna. Bonna bakumye endabika ey'ebweru ey'obwa Katonda, naye kakaano balina okuweebwa »Ekigambo-okugezesebwa«, balina okufaananyizibwa ne yokka eyamazima eyakakasibwa ekkanisa eyasooka ey'abatume. Ebiro by'amazima bituuse. Tekimala okufaananyiza ku Kristo, abatume ne Baibuli. Amakkanisa gonna, newakubadde amakungganiro amatono, gakozesa eby'efaananyiza eya Baibuli okusobola okweteekamu mu kutegera kwabwe. Omulimu gwonna ne gulyoka guyitibwa »obwegassi mu kumanyibwa«. Mu butuufu, enjigiri ey'obu Catholic mu nsi mu ngeri yabwo ey'obuwangwa leero terina ky'efaananyizibwa ne kkanisa eyasooka eya Yesu Kristo. Ne kkanisa y'abaruumi ensibuko yayo teri ku Kristo ne Peetero, nga abamu bwe balowooza era ne bayigiriza, naye yajja okubeerawo okuva mu nnaku za Constatine era n'okuteesa kwa Nicea mu 325 AD. Mu »Imperium Romanum«. Wokka mu banga lye kiseera abayitibwa »ekkanisa ye ggwanga« yafuuka kibina n'ekitiibwa kyakyo. Ebyassa ebyasooka byayita awatali Papa oba kkanisa ya ggwanga. Mu mwaka 380 abaruumi Caesars Theodosius ne Gratian bateeka ekomo ku dembe ery'enzikkiriza elyali limanyiddwa. Omwaka gumu oluvannyuma, mu kuteesa kwa Constantinople, mu byonna »obuKristayo« yalangirirwa okubeera »e'nzikkiriza ye ggwanga«, eryali nga teeka eri abatunze bonna mu bwakabaka bw'abaruumi. Omulimu

guno gwa malirizibwa n'omuruumi ow'ebuvanjuba Caesar Justinian (527-565) eyafuusa bakabona abakozi be ggwanga.

Baibuli y'emu evunuulwa mu makubo mangi ag'enjawulo, wadde ne leero, mu buwangwa bwa bajjajja b'amakkanisa. Mu kifo kyokubeera n'ebigambo ebyasooka eby'okubikkulirwa, ebyali eby'okulungamya eby'obwa Katonda eby'obukristayo obwasooka, bwali nga busikibwa n'obugya buli kaseera, e'njigiriza z'abantu, okunyonyola, e'njigiriza n'obulombolombo ne birala bingi, byonna awamu ebitalina musingi gwonna mu byawandiikibwa ebitukuvu. N'olwekyo si kituufu, nti amaddini gonna gataddewo obwakabaka bwabwe bennyini, nga babulangirira okubeera obwakabaka bwa Katonda? Ng'ogyeko bino byonna, kisigala mazima nti Yesu Kristo azimba ekkanisa ye wakati w'ekkanisa yonna mu nsi era alimaliriza ky'ekimu amangu. Katonda alina entegeka n'abantu yali kuleeta mu ` kutuukirira. Okugitegeera mu butuufu bwayo, ffe bennyini tulina okuba nga twalekulwa okuva ku nzikkiriza yonna ensikire ey'obuwangwa era tukomewo ku Kigambo ekyasooka ekya Katonda. Mukama waffe tanoonya okukiiriza okutalaba. Mu butuufu, okukkiriza kwennyini okwa n'amaddala kulina amaaso abiri n'ebigere bibiri ebinyweredde eby'omwoyo. Omusingi ogw'amazima y'endagaano enkadde n'empya, e'ntegeka ey'obulokozi ey'omuntu bwe lagibwa okuva ku Lubereberye okutuusa ku nkomerero.

## OKUKOMAWO KWA KRISTO

Katonda ng'omutonzi alina e'ntegeka n'ebitonde bye era nga omununuzi n'abanunulwa be. Buli akkiriza mu kubeerawo kwa Katonda w'abantu akkiriza nti taleekera kintu kyonna kakisa Bw'atyo bw'ayogera Mukama: *“Kubanga Nze Katonda so tewali mulala; Nze Katonda so tewali anfaanana; alanga enkomerero okuva ku Lubereberye, n'ebigambo ebitanaakolebwa okuva ku biro eby'edda; ayogera nti okuteesa kwange kulinywera era ndikola by'enjagala byonna.”* (Isaaya 46:9-10). “Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna ebibakolera wamu olw'obulungi.” (Abaruumi 9:28).

Abo abamanyi ebyawandiikibwa ebitukuvu balina amagezi amalungi ku ebyo byonna ebyayogerwa ku mununuzi mu ndagaano enkadde okuva mu Lusuku lwa Edeni (Olubereberye 3:15). Ye yali esuubi lya bantu ba Katonda okuyita mu ndagaano enkadde yonna. Mu ngeri y'emu abanunulwa abaagalwa esuubi ery'obulamu ery'okukomawo kwa Yesu Kristo okuva ku Lubereberye lw'endagaano empya, okuva bwe yatwalibwa mu kitiibwa. N'agamba nti, *"... era oba nga ggenda okubateekerateekera ekifo, ndikomawo nate ne mbatwala gye ndi; nze gye ndi, nammwe mubeere eyo."* (Yokaana 14:3). Ekikolwa kino kitundu ku ntegeka ey'obulokozi, kya kulaga ekyamanyi era nga kiri kumpi nnyo. Okusinzira ku mawulire ag'ensi yonna ekyawandiikibwa ne kifuulumizibwa ku kufuga kw'emyaka olukumi, abantu obukadde n'obukadde ku nsi basuubira okukomawo kwa Kristo. Naye, waliwo n'abenzikkiriza abakola ebisikiriza ku nsi, bulijo abalabikira ku nsi, baleeta obukosefu n'ebivume ku bakkiriza ab'ekigambo kya Katonda ab'amazima. Ku ekyo n'abo bakkiriza ba Baibuli era bakristayo nga musanyu basuubira okukomawo kwa Kristo era ne babeera mu bulamu obulungi ennyo. Bagezi, era b'amazima mu buli kye bakola.

Okukomawo kwa Yesu Krist era n'ebikolwa ebyayogerwa ebiri goberera birituukirira, naye Katonda yekka asalawo olunaku ne biro bino bwe birituukirira. Obubonero bwe biro bwe tulina okwekuma, naye, kyogera mu bulambulukufu nti ekikolwa kino kiri kumpi. Okutekawo akaseera, nga bwe kyaliwo emirundi mingi wadde ne mu biseera ebiyise, mwebaze Katonda kisobooka oba kyetagisa.

Mu kujja okwasooka okwa Kristo obunnabbi obusoba mu 100 okuva mu ndagaano enkadde bw'atuukirizibwa. Byonna ebimukwatako eby'omugaso – okutegeera kwe okw'obwa Katonda, okuzaalibwa kwe mu Besirekemu, obuweereza bwe, okubonaabona kwe, okufa kwe, okuzuukira kwe n'okutwalibwa kwe mu ggulu – byayogerwa mu bunnabbi bw'endagaano enkadde. Ne kakaano bwe kiri mu kiseera kino ng'okujja kwa Yesu Kristo okw'okubiri tekunnabaawo. Kyamugaso nnyo okusoma ebyawandiikibwa byonna eby'efaananyizibwa

ku ebyo. Ebiri mu biro bino era nga kakaano bituukirizibwa.

Omutume Peetero yali yalaba edda mu mwoyo nti okukomawo kwa Kristo kulibeera okusingira ddala okusekererwa mu biro by'enkomerero, nga kakaano bwe kiri. Abawakanyi abakulu be bano abatakkiriza abasoma eby'enzikkiriza abatalina kutegeera kw'obwa Katonda ku bikwata ku ntegeka y'ekiseera kya Katonda era n'ekigambo kye mu byawandiikibwa ebitukuvu. n'agamba, eky'okulabirako, nti abatume bali bakyamu mu kusuubira okukomawo kwa Kristo, era ne Yesu Kristo, bagamba, teyakuma kisuubizo kye bwe yagamba, "Njija mangu." amazima agekitiibibwa kiri nti Baibuli yonna ewandiikiddwa mu ngeri nti ebeerawo emirundi gyonna. Buli Kigambo kya Katonda ekyawandiikibwa kibuulirwa era ne kikkirizibwa n'abantu bonna mu kiseera kyonna eky'ekisa. Wokka nga ekiseera ky'ebikolwa ebyayogerwako okubaawo nga kituuse ddala bwe birituukirizibwa.

Omutume Peetero ajja buterevu ku nsonga n'esomo era n'awandiika *"Nga mu maze okusooka okutegeera kino, nga mu nnaku ez'oluvannyuma abasekerezi balijja n'okusekerera, nga batambula okugobereranga okwegomba kwabwe bo, ne boogera nti Okusuubiza kw'okujja kwe kuli luuyi wa?"* Awo n'abaddamu, *"Mukama waffe talwisa kye yasuubiza, ng'abalala bwe balowooza okulwa; naye aguminkiriza gye muli nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenenya."* (2Peetero 3:3-9). Bonna abayawulibwa eri obulamu obutagwaawo balikkiriza. (Ebikolwa by'abatume 13:48). Abasekerezi tebalina biseera bingi bye basigaziza, nga okusekerera kwabwe amangu ennyo kuliba kukaaba n'okuluma obujiji. *"Temulimbibwanga; Katonda tasekererwa: Kubanga omuntu kyonna kyasiga era kyali kungula."* Okusinzira ku bujulizi bwe byawandiikibwa ebitukuvu Kristo amangu alikomawo nga bwe yasuubiza era atwale abantu be mu kitiibwa (1 Abasessaloniika 4), nga "obusungu tebunnajja", ng'okubonaabona okungi tekunatandika (1 Abasessaloniika 1:10).

Mu kujja kwe okw'okubiri abo abaafiira mu Kristo era nga balina ekitundu mu »kuzuukira okwasooka« be balisooka okuzuukira, era naffe abalamu abasigalawo

ne tulyoka tutwalibwa wamu n'abo mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga: Kale bwe tutyo tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna (1Abasessaloniika 4). Bw'alilabisibwa tulifaanana nga ye kubanga tuli mulaba nga bw'ali (1Yokaana 3). Kino kiribeerawo ng'awatali kubuusabuusa nga bwe kyayogerwa era ne kisuubizibwa mu Kigambo kya Katonda ekitukuvu.

## EKITIIBWA KY'EBITONDE

Ekirubirirwa kyennyini n'entegeka ya Katonda yatandiika edda ku Lubereberye. Awatali kubuusabuusa buli omu ku ffe y'egomba obulungi bw'ebitonde bye. Naye, si buli omu mu ngeri y'amagezi ateeka okubeerawo kw'omutonzi mu maaso g'ebitonde. Kimanyiddwa wonna nti okuva abantu bwe bategedde ebitasooboka ne bye baagunjaawo ebingi, okubeerawo kwa Katonda kw'eyongeredde ddala okubuuzibwa era n'amawulire g'obutonzi g’abuusibuusibwa. Abawandiisi be bitabo bavayo n'ebigambo ebitakwatagana era ne bakirizisa abantu ku kunonyereza kwabwe, okusingira ddala mu biseera bye byassa ebyayita, okuyita mu buntu okuyingira mu butakkiriza. Katonda agaanibwa, era omuntu ajaguzibwa. N'akyo kiteekeddwawo nti ebintu byonna byabaawo ku bwa byo buli akkiriza ng'agamba nti naye yabaawo okuyita mu kufuusibwa mu ngeri yonna, ng'agaana kitaawe ne nnyina.

Ani ayinza okufumintiriza nti ensi mu ndabika yayo ne munyenye ezitabalika era ne kyonna kye biri mu kutuukirira kwa byo nti byandibaddewo ku bwa byo byennyini oba okuyita mu magezi “g'abantu ag'okunonyereza”? Okutuusa ne kakaano tewali muntu n'omu ayinza okuletawo okweyongerako kwonna mu kitiibwa ky'ebitonde bya Katonda. Fumintiriza ebitonde bingi mu semayanja ennene era n'ebyo ku bukalu ebituukiridde okubeera mu bifo byabyo, nga obukadde n'obukadde bwe bisolo n'enyonyi mu semazinga ez'enjawulo era n'engeri gye bikolagana n'embeera y'obudde mu bifo gye bibeeramu.

Nga omutonzi ku Lubereberye yatonda ebintu byonna n'ekigambo kye ekyamaanyi, so bwe kiri n'okutuusa leero. Okuva ku tutonda kw'ensi, buli

mwaka tusiga ne tukungula, nga Katonda bwe yagamba bwe kiriba: *"Ensi ng'ekyaliwo, okusiga n'okukungula, era empewo n'ebbugumu, era ekyeya ne ttoggo, era emisana n'ekiro tebiggwengawo."* (Olubereberye 8:22). Wokka omuntu n'amaddu awatali kulowooza ataganjula obutonde, obutabanguko bweyongera okulankulana. Buli nnaku obuwumbi bw'abantu bulisibwa, era singa emmere yonna egabanyizibwa mu bwenkanya tewali muntu yandilumiddwa enjala ku nsi. Buli mwaka Katonda tatukusa kyoka nga obutabalika bw'ebitonde naye abuulira okw'amaanyi okufa n'okuzuukira gye tuli okuyita mu butonde bwennyini. Buli kweseera kuleeta obulamu obugya, ebibala ebigya era n'amakugula amangi. Newalyoka wajja ebikoola ebigwa okuva ku miti era n'obutonde ne bufa. Nga mu kiseera ky'okuwumula, ekiseera ky'omuzira ne kigoberera era awatali kubuusabuusa mu ngeri y'emu okweseera okuzuukusa kukomawo. *"Kubanga ebya Katonda ebimanyika birabika eri bo: kubanga Katonda yabibalabisa; kubanga ebibye ebitalabika okuva ku kutonda ensi bilabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde obuyinza bwe obutagwaawo n'obwa Katonda bwe."* (Abaruumi 1:19-20).

Ekituufu nti buli kitonde ekilamu kizaalaekikifaanana oluvannyuma lw'embeer zaabwe okusaigala nga tezitaganjuddwa emirembe gyonna. N'okutuusa leero tusiga ensigo zezimu okuvira ddala ku butonzi okuva mu kiseera ekyasooka. Emiti gye gimu gikula nga giteekako ebibala bye bimu era ne bisolo bye bimu bibeera ku nsi. Newakubadde omukazi n'omusajja, engule ey'obutonzi, ziri nga bwe byali mu nnaku za Adamu ne Kaawa. N'abo bali baweebwa ebikolwa eby' obutonzi. Kino kikakasiddwa mu kyassa kino ekiwedde, okusingira ddala mu myaka zino ataano egiyise, nga kyamaanyi nnyo. Tufunye obumanyirivu bw'enkulankulana okuva ku nnaku z'embalaasi n'amagaali ku nnyonyi era ne bbanga. Eky'enkomeredde omuntu asobola okukola buli ky'alowooza era ne ky'ategeka mu biro byonna. Nga Mukama bwe yayogera, *"ne kaakano tewali ekigenda okubalema, kye baagala okukola."* (Olubereberye 11:6). kino N'amanyisibwa okusingira ddala nga bwe nalina omukisa okusisinkana omumerika agenda ku mwezi

Apollo 16, General ret. Charles Duke, mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 9, 1995, eyayogera mu Berlin ku lugendo lwe okugenda ku mwezi mu mwezi gw'okuna ogwa 1972.

Waliwo ekintu kimu kyokka omuntu ky'atasoobola kukola – kwe kutonda obulamu. Abo abakkiririza mu ngeri ebintu eby'enjawulo bwe byabaawo balina okutubuulira ani eyaleeta akatofali k'omusayi akasooka okubaawo, era nabo balina okutumanyisa ani eyateeka obulamu mu katofali k'omusayi ako. Ekibuuzo kirina okubuuzibwa, ani eyateekawo obusobozi okwongeera obungi bw'ebitonde? Lwaki abatalina nzikkiriza tebasiga ngaano enkole yamu? Kubanga bamanyi nti teyinza kukula, kubanga telina bulamu mu yo. Ekikulu, byonna ebirungi, ebitonde bye ebyamaanyi birina okusikkiriza buli kintu era n'omuntu yenna ow'amazima okubeerawo kw'oyo omutonzi ow'amaanyi afuga byonna. Singa abantu tebeyawula bennyini okuva ku Katonda, bandimukkiriza nga ekigambo kye, ekibeerawo mu maaso gaabwe bulijo era ne kikakasa amawulire g'obutonzi. Katonda ne Kigambo kya Katonda kisigalawo emirembe gyonna nga gy'esigibwa era ng'amu butagwaawo mazima eri buli omu eyaweebwa ekisa okukkiriza!

## TW'AYAWULIBWA OKUSS'EKIMU NE KATONDA

Okusinzira ku kwagala kwa Katonda, omuntu okuvira ddala ku lubereberye yalina okuss'ekimu ne Katonda. N'olwekyo, awatali kya kwekwassa enzikkiriza oba kikula kya muntu, bonna balina okwagala mu meeme zaabwe eri omuntu owa waggulu. Bonna bewulira ekintu ekitatootolwa eky'okusinza, sikya nsonga oba nga kino kikolebwa kitya. Singa omuntu yenna tasanga kintu kya nzikkiriza eky'okusinza, awo kiyinza okubeera obugaaga obutwalibwa nga ekibi, kiyinza okuba ebintu bingi: empisa, eby'emizanyo, ebinyumo, era n'ebiwumbe, n'ebirala bingi. Okwagala okwo okuwanvu mu buli meeme y'omuntu, newakubadde mugaaga oba mwavu, mu mazima ddala ekimala kye kintu ky'obwa Katonda.

Abayudaaya abakkiriza b'asaaba Katonda eyebikula gye bali mu buntu yennyini mu biseera bya Musa nga Katonda wa Isiraeri n'erinya Elohim-Yakuwa (Okuva 6). Omuyudaaya yennyini akkiriza mu Katonda omu yekka ow'amazima, kubanga ye yennyini yayogera, ***"Kale wulira, ggwe Isiraeri; Mukama Katonda waffe ye Mukama omu ..."*** (Ekyamateeka olw'okubiri 6). Emirundi nga 6,700 tusanga okwelaga kwa "Mukama Katonda - »Elohim-Yakuwa« mu ngeri y'omu mu ndagaano enkadde.

Abayisiramu nabo ba saaba mu bakatonda babwe omu Allaha. Okutuusa omwezi gw'omwenda 11, 2001 fenna twakkiriza, ku lw'obutamanya nti Allah ayinza okugerageranyizibwa ku Elohim owa baibuli. Kaakano tuyize okuva mu njuyi nyingi okusingira ddala mu bawandisi ab'enjawulo, nti Allah yali omu ku bakatonda ow'omwezi owa Babulooni. Mu kiseera kya Mohammed yali asinzibwa mu Buwarabu nga Katonda eyawanga ebimeera byonna ku nsi ebijimusa. Eno y'ensonga lwaki abayisiramu batwala akabonero k'ekitundu ky'omwezi. Wokka oluvannyuma nga Mohammed ng'awangudde ebikka byonna ebyasinzanga bakatonda abalala mu buwarabu, yalangirira bakatonda b'ekika kye okuba nga ye Allah yekka. Yateeka ne bitonde eri allah. Mohammed n'alyoka yeyongera okubuulira enzikkiriza ye- naye nga tasinzira ku byawandiikibwa ebitukuvu, Allah wa Mohammed si ye Katonda omu ow'amazima owa Ibulayimu ne Musa. Eky'enkoleredde si ye era talibeera Katonda wa Baibuli. Mu mawanga gonna ag'obuyisiramu ekigambo "Allah" kulwa "Katonda" kikozeswbwa mu Baibuli ne mubitabo by'enyimba era ne "Allah" asinzibwa nga Katonda n'abakristayo bonna mu mawanga ago. Nga kulimbibwa kwa katyabaga, okukyamizibwa mu butamanya! Baanakolaki kaakano oluvannyuma ng'amazima g'afuuse obutangavu?

Abahindu bakkiriza mu bussatu bwabwe obukulu, nga ye Brahma, omutonzi Vishnu, omubeezi, era ne shiva, omuzikiriza, era ne mu bakatonda abalala abangi abasinga abahindu bennyini. Bateeka esuubi lyabwe mu njigiriza eyo omuntu mu bulamu obuggya alikomawo mu ngeri endala oba ng'ensolo era ne yeyongera mu nkola y'okutuukuza okutuusa bwatuuka ku kigendererwa eky'enkomeredde. Ababudha bakkiriza

mu ngeri y'emu ng'abalina enzikkiriza ey'obulamu oluvannyuma lw'okufa, era nga bateeka nnyo esira ku kutabaganya. Ekigendererwa kyabwe ekisinga obukulu kye Nirvana – embeera y'esanyu, okusazibwamu okuva ye karma, ekyatuukibwako n'okwegya mu bwa kin'omu, obutabeerawo nate. Nga bwe kiri n'abahindu, so bwe kiri n'abayisiramu n'enzikkiriza endala, n'awano omu anonyereza mu bwerere okunonya obubaka bw'ennyini obw'obwa Katonda, obulokozi n'esuubi ery'obutagwaawo. Mu nzikkiriza zino obuwanguzi ku kufa n'obulamu obutagwaawo tebyateekebwamu. Bw'ekityo tekibeera ky'amazima, nti enzikkiriza awatali bulokozi-etali nzikkiriza? Ddala ensonga enkulu yabikkurwa era n'ekakasibwa “Okwagala kwa Katonda”, omuntu mwalina okwewayo yennyini.

Nga tufumintiriza nti obukristayo mu byonna bukkiriza mu bulombolombo obw'obussatu, nga kitegeeza nti abantu abassatu abatagwaawo ababeera mu ggulu, si nzikkiriza nayo nti Katonda ali omu mu kukkiriza okw'amazima okw'ekigambo. Ekibuuzo ekituufu kiri nti: “bwe wabeera nga waliwo abantu bassatu abo bwa katonda abatagwaawo era nga be b'obuyinza, nekilyoka kigyawo okubeerawo kw'oyo Katonda omu, atagwaawo, Katonda omuyinza w'ebintu byonna” bw'ofumintiriza amazima gano agasikkiriza awo wokka enzikkiriza yabayudaaya yokka y'etuukiridde ey'oyo “Katonda omu”. Katonda omu ow'amazima awatali kubuusabuusa alina obusoboozi okubikkula era n'okwebikkula yennyini mu makubo mangi agenjawulo, nga ebyawandiikibwa ebitukuvu bwe bijulira ku ekyo. Mu ndagaano enkadde Katonda atalabika, mu mwoyo, yebikkula yennyini nga Mukama mu ngeri elabika. Mu ndagaano empya Katonda y'omu yebikkula yennyini ku lw'obulokozi bwaffe nga kitaaffe mu ggulu mu mwana we omu yekka gye yalonda nga ye Mukama, ku nsi. Mu ndagaano enkadde kyaliwo mu mubiri gw'omwoyo, mu ndagaano empya mu mubiri gw'enyama, ku lw'obununuzi bwaffe era n'okusobozesa okutubala nate mu bwa Katonda nga abaana ba Katonda (Abaggalatiya 4:4 a.o.).

Waaliwo ebiro by'ekiseera nga omuntu eyasooka yabeeranga ddala mu kuss'ekimu ne Katonda mu lusuku lwa Katonda. Mu mbeera eno eyasooka baali

tebamanyi kintu kyonna ku nnaku, obulumi, obulwadde oba kufa. Nga ebitonde by'oyo atagwaawo baali balondebwa okubeerawo mu butagwaawo. Katonda yabakola ne babeera balekule, so bakolanga okusalawo kwabwe bennyini, ekyanditegeeza obulamu oba kufa. Baali basoobola okulondako wakati w'ekirungi n'ekibi, obugonvu n'obujemu, okukkiriza n'obutakkiriza. Eyo y'ekyali ensonga naffe, n'okutuusa leero. Okuvira ddala ku Lubereberye Katonda yali yetaga obugonvu. Awo we mu kusooka Kaawa era ne Adamu bwe yakola n'alemererwa okuwangula ebigezo. Yawulirisa ebigambo era »n'obulimba« bwa Setaani omusota bwe gw'amulimba, n'agwa mu kibi era n'asika ne Adamu mu kyo. Abantu ab'asooka balinyirira ebiragiro bya Katonda, era n'ajja wansi w'okusikkirizibwa omubi era yalina okufa. Katonda Mukama waffe yagoberera okuyita mu kubakanga n'abafuulumya okuva mu lusuku lwe. Okuss'ekimu n'ababe abamenyese, era n'okubonaabona, obulwadde n'okufa bw'ajira buli muntu yenna.

Tewali n'omu yandigambye nti, “Gunsinze, nazza emikono gyange okuba omulungi. Kiki ky'endina okukola n'akyo?” Buli musajja ne buli mukazi, buli muwala era ne buli mulenzi yandibadde era n'akola nga Adamu ne Kaawa bwe baakola. Mu butuufu, era ba kya kikola ne leero. Fenna twazaalibwa mu kibi ekyasooka okuyita mu kutegeera kw'omubiri era ne tusalirwa kufa. N'olwekyo fenna tulina okuzaalibwa na mwoyo, nga Omwana wa Katonda bwe yali, n'okufuna obulamu obutagwaawo. Katonda atumanyi fenna. Yakimanya nti tewali muntu kuffe ku bubwe eyandigondedde amateeka ge, so nti tusoobole okumanya okusobya kwaffe era n'okutegeera obujemu bwaffe eri ye. Singa tewaaliwo teeka ya bwa Katonda, te twandisingisiddwa misango gyaffe era tetwandibadde ne kyetago kya kusonyiwibwa n'obununuzi. Twazaalibwa mu nsi eno ng'abo abayawulibwa okuva ku Katonda, okubula, awatali suubi; n'olwekyo twetaga bununuzi n'okutabagana naye. Okutegeera kwogera eri buli omu, newakubadde eri abo abatawulirangako bubaka bwa Katonda oba abatasomangako Baibuli. Buli omu amanyi bwa ba ng'alimba, bwa ba ng'agyako, bwa ba ng'aba oba ng'akola ekintu kyonna ekikyamu era n'olwekyo yamuggana. Okutegeera kwaffe

kutukakatikako mu kiseera kyennyini. Bonna, abaggaga oba bavu, balungi oba babi, balina omusango mu maaso ga Katonda era mazima ddala betaga obulokozi. Tewali n'omu eyandi gambye, “Sitanganko muntu yenna, oba mu ngeri endala okukola omusango gwonna, so tekiyinza kubeera kyonna kibi bw’ekityo.” Omusango omutuukirivu ogwa Katonda gutuuse ku ffe fenna n'olwekyo fenna tulina okufa. Tewali kintu mu bulamu ekitali kya kubuusabuusa nga kufa. Bw'ekityo bwe kyawandiikibwa, *“Era ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi ogumu, oluvannyuma lw'okwo musango.”* (Abaebbulaniya 9:27).

Kulwo kugwa okuss'ekimu ne Katonda kwamenyebwa. Okugyako ekyo, yatulowoozako era nakola eKkubo lye yennyini okuyita mu oyo eyandigambye, *“Yesu n'amugamba nti nze kkubo, n'amazima,n'obulamu: tewali ajja eri kitange, wabula ng'ayita mu nze.”* (Yokaana 14:6). Mukama mu kwagala kwe okutagwaawo n'ekisa yajja gye tuli, nti tusoobole okujja gyali.

Okuva bwe twakola ekibi mu mubiri guno ogw'okunsi era gw'atusinga, yalina okujja mu mubiri gw'omuntu era n'omusaayi, nera ku lw'ekyo ye atalina musango n'afiririra ebibi byaffe era n'atutabaganya ne Katonda. Kino kyakolebwa mu Yesu Kristo, Mukama waffe, akabira wabweru n'okutuusa leero, *“Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.”* (Matayo 11:28). Abantu abajja gyali mu ngeri eno basoobola, ebiseera byabwe ebyoluvannyuma bwe bituuka, bawaayo omyoyo gwabwe mu mikono gye era ne bakakasibwa nti bulijo anaabawanga eky'okuddamu kye kimu, *“Yesu n'amugamba nti Mazima nkugamba nti leero onooba nange mu Lusuku lwa Katonda.”* (Luka 23:43). Kituufu, omuntu yenna omulamu atalina ye mazima ddala awatali kubuusabuusa ajja kufa. Okugyako abo bokka abalamu abafira mu Kristo be balilokolebwa (Abarumi 14:7; Okubikkulirwa 14:13).

## KATONDA AKOLERA MU MAANYI GE

Okujja kw'omununuzi waffe mu mubiri guno omuzaalirwana kyatuukirizibwa n'amaanyi ga

Katonda. Malyamu yazaalibwa mu nsi eno mu ngeri ey'obuzaalirwana, nga omuntu omulala yenna era naye ng'ayagala okununulibwa. kye kyali ekibya ekyalondebwa ensigo y'obwa Katonda mmwe yateekebwa, so nti ekigambo kibeera kilamu. Naye yalina okuba n'obumanyirivu bw'obulokozi nga abalala bonna, era n'olwekyo yali n'abo 120 abali bakungganye mu »kisenge kya waggulu« Mu Yerusaalemi, nga basuubira okuyiika kw'omwoyo omutukuvu ku lunaku lwa bapentakoti. Obumanyirivu buno bwetagisa okumaliriza obulokozi bwaffe (Ebikolwa by'abatume 1:14; Ebikolwa by'abatume 2). yali yatuukuzibwa okusinzira ku bujulizi obwe byawandiikibwa, kubanga yakkiriza ekisuubizo ekyamuweebwa. Baibuli si mu kifo ne kimu eyogera ku bafu okubalangirira okuba abatuukirivu oba okubayingiza mu butuukirivu oluvannyuma lw'okufa kwabwe. Kyokka kilangirira okutuukuzibwa n'obutuukirivu obwa balamu abakkiriza ebisuubizo bya Katonda era ne bafuna obumanyirivu bw'okutuukirizibwa kwabwo kwonna

Katonda alokola mu kkubo limu lyoka, ekyokulabirako bulijo mu kwegata n'okukkiriza mu kigambo kyekisuubizo, nga bwe kyali ku Ibulayimu. Malyamu yakkiriza obubaka bwa Katonda Malayika Gaburyeri bwe yamuleteera n'amugamba, *“Laba omukono omuyambi ogwa Mukama kibeere gye ndi okusinzira ku Kigambo kyo.”* Bw'ekityo ekigambo ne kikolebwa okuba omubiri era n'Omwana wa Nazaalibwa. Mu ngeri y'emu abasajja bonna n'abakazi balina okuwulirisa era ne bakkiriza obubaka bw'obwa Katonda, beera wa mazima mu maaso ga Katonda era obeere n'obumanyirivu bw'okutuukirizibwa okw'ekigambo ky'ekisuubizo. Wokka mu kkubo bwe liti eby'omwoyo, obulamu bwa Katonda gye bujja mu mmeme zaffe okutyita mu kuzaalibwa okuggya. Oluvannyuma lw'okutongozebwa kw'amaanyi ga Katonda ag'ekkanisa y'endagaano empya okuyita mu kuyiika kw'omwoyo omutukuvu ku lunaku lwa bapentakoti, Malyamu teyayogerwako nate, okutuusa ku nkomerero ya Baibuli. Newakubadde Peetero, Yokaana oba Yakobo, oba Pawulo oba omulala yenna teyawako kyakulabirako kya Malyamu nate. Omulimu ggwe gwali guwedde. Ekitukwatako ye Yesu Kristo, omulokozi yekka, omutabaganya era omuwolereza.

»Mariology« tebimanyiddwa mu byawandiikibwa era mu butuufu kitegeeza okuwakanya Yesu Kristo, n'olwekyo njigiriza ya bulabe bwa Kristo. Okuyitibwa n'okusinza kw'abatukuvu buterevu kuwakanya Katonda, oyo yekka omutukuvu era asanidde okusinzibwa (Yokaana 4:23-24) era ekitiibwa kye talikiwa mulala (Isaaya 42:8).

Yesu Kristo ye Mukama, eyajja mu mubiri era n'afuuka omuntu. Yali mutuukirivu eky'enkomeredde era nga taliko kibi kyonna, n'olwekyo yali atwala emisango gyaffe gyonna nagyeteekako era natufirira. Okuyita mu musaayi gwe, mmwe mwali obulamu bwa Katonda, twafuna okutabagana era n'okusonyibwa. Buli omu akkiriza kino alibeera n'obumanyirivu obw'obununuzi obw'emmeme, omwoyo n'omubiri. Kulwo kuzuukira kwe ku lunaku olw'okussatu omulimu gw'obununuzi gw'ateekebwako engule ey'obwakatonda,era n'okufa, emagombe ne Setaani bya wangulwa. Oyo eyazuukira bwe buwanguzi obw'amazima obw'omusalaba. Yalabikira abayigirizwa be okumala ennaku makkumi anna oluvannyuma lw'okuzuukira kwe n'ayogera n'abo ebintu ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda (Ebikolwa by'abatume 1). Oluvannyuma lw'enaku ezo b'amulaba ng'atwalibwa mu ggulu (Luka 24). Bonna abakkiriza mu kkubo lya Baibuli bayinza okusanga ensibuko entufu ey'emmeme zaabwe mu mazima gaabwe ag'obwa Katonda. Olw'okuzuukira kwe okuzuukira kwaffe kwa n'amaddala. Mu kutwalibwa kwe mu ggulu tulina obukakafu nti naffe tulitwalibwa mu ggulu okubeera naye emirembe gyonna.

Katonda omuyinza w'ebintu byonna yateekateeka obwaka bwe obutagwaawo eri abaana be ab'obulenzi n'abobuwala. Okulemwa kw'omuntu tekuyiza kusazamu oba okulemya nteekateeka ya Katonda. Waliwo okuteteganyizibwa, mu kaseera katono Katonda ky'akiriza. Abantu, abasalawo mu kwagala okulwanyisa Katonda baalina okwewayo eri obufuzi bwa Setaani, nate nazibwa ne Mukama yennyini okuba ababe. Okwenunula wekka tekisooboka. Obulokozi mazima g'ebyafayo era kikolwa ky'abwa Katonda okusinzira ku ntegeka ya Katonda. Okuyita mu kubuulira kw'enjiri obubaka bw'obulokjozi buleeta okusumulurwa.

Kibikkula Katonda kyalina okuwa omuntu olw'ekisa kye. Okuyita mu bununuzi, olw'amaanyi ga Katonda abaana ba bantu abo okuva mu kuzaalibwa kwabwe baana ba kufa, bazaalibwa omulundi ogw'okubiri, baafuna obulamu obutagwaawo ne bafuuka abaana ab'obulenzi n'abobuwala aba Katonda, bwe bakkiriza ne batwala ekyo ekyakolebwa ku bwabwe.

Okuva obwakabaka bwa Katonda tebugwaawo , bonna abagaala okububeeramu balina okubeera n'obulamu obutagwaawo. N'olwekyo ky'etagisa nga Mukama waffe bwe yakiteekako esira, nti buli omu alina okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri (Yokaana 3). ensigo ey'okuzaalibwa kuno okuggya okuva mu ggulu kye Kigambo kya Katonda (Luka 8:11). Kirina obulamu kyo. Omwoyo omutukuvu gukka ku bonna abafuna Ekigambo n'okukkiriza, era naffe tw'azaalibwa mu bwa Katonda so ne tufuuka abaana ba Katonda (Matayo 13:38.a). Okuyita kutegeera kw'obuzaale tufuuse ba nsi, ebitonde ebifa, abaana ba bantu. Okuyita mu maanyi ga Katonda nga tuzaalibwa n'omwoyo tufuuka abaana ba Katonda *"Bwe mwazaalibwa omulundi ogw'okubiri, si na sigo eggwaawo wabula eteggwaawo, n'eigambo kya Katonda ekiramu eky'olubeerera."* (1Peetero 1:23). Omuntu yenna akkiriza mu Mukama ng'omulokozi we nga Baibuli bwe gamba asoobola okubeera n'obumanyirivu buno obwo buntu. Ekiweebwayo ekitenkanika olw'ekisa kya Katonda we kiri eri bonna abakyagaala, nga olunaku lw'obulokozi bwe lu kyaliwo. Tewali muntu yenna ayinza okufumitiriza engeri yakatyabaga bwe kiriba eri abo abatakkiriza bulokozi era ne bagenda mu butagwaawo nga bawukana ne Katonda! Mu saawa y'okufa abo abatakkiriza nti waliwo Obulamu oluvannyuma lw'okufa n'abo bali sisinkana n'amazima.

## OBUNNABBI BWA BAIBULI BWE BULINA EKIGAMBO EKISEMBAYO

Mu maaso gaffe ebigambo by'obunnabbi bitukkirizibwa nga bwe byayogerwa mu byawandiikibwa ebitukuvu. Okukomawo kw'abantu ba Isiraeri mu »Ensi ensuubize« ke kabonero akasinga okuba ak'omugaso. Baali balina okubuna amawanga

gonna, nga bwe kyali kyayogerwa dda mu Ekyamateeka Olw'okubiri, esula 4 era ne sula 29. Mu biro by'enkomerero bali kunggana wamu nate ne basimbibwa mu nsi yaabwe. (Isaaya 14:1; Yeremiya 31:10; Ezeekyeri 36:24, a.o). Kino kya kakasibwa ne Mukama waffe mu lugero lw'o»muti omutiini« nga bwe kyalagibwa akabonera ka Isiraeri (Koseya 9:10) mu mulembe guno ogusembayo (Matayo 24:32-41; Luka 21:24-33 a.o.).

Katonda yatonda ensi mu nnaku mukaaga era n'awummula ku lunaku olw'omusanvu (Olubereberye 2:1-3). bwe tukolagana ne a»omulembe gw'obunabbi«, Olunaku lumu ne Katonda luli nga emyaka lukumi mu ffe. Bw'ekityo bwe kyawandiikibwa, *“Naye kino kimu temukyerabiranga, abagaalwa, nga eri Mukama waffe olunaku olumu luli ng'emyaka lukumi, n'emyaka lukumi giri ng'olunaku olumu.”* (2Peetero 3:8). Mu Bikolwa by'abatume 2:17 Omutume Peetero awa eky'okulabirako ku »Ennaku ezisembayo« yayogera ku Nnabbi Yoweeri, mu oyo omwoyo omutukuvu mmwe guli yuyiika. Awatali kubuusabuusa yali awa eky'okulabirako ekye myaka 2000 egy'ebiro by'ekisa egyateekebwa mu kkanisa y'endagaano empya. *“Mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogeranga naffe mu mwana ...”* (Abaebbulaniya 1:1-3) nga kya bukakafu nga kaakano bwe tukomenkereza emyaka 6000 okuva ku ntandiikwa y'omuntu, si kya kubuusabuusa nti »Olunaku lwa Mukama«, olunaku olw'omunsanvu ne Katonda, Okufuga okw'emyaka olukumi kusoobola okutandiika mu kaseera kona Katonda kasalawo. Mukama Katonda tagendera ku nnaku zaffe ez'omwezi, naye tuyinza okusuubira »Ennaku ezisembayo« okubeerawo ekiseera kyonna. Okusinzira ku kubikkulirwa 20 kiribeera kufuga kw'emyaka lukumi ne Kristo ku nsi. Ebigambo ebigoberera bijulira ku kyo. *“Aweereddwa omukisa, era ye mutukuvu alina omugabo mu kuzuukira okw'olubereberye: okufa okw'okubiri tekulina buyinza ku bo, naye baanabeeranga bakabona ba Kabona ba Katonda era ba Kristo era banaafugiranga wamu naye emyaka lukumi.”* (v. 6). Oluvannyuma lw'omulimu gw'okunaza mu kiseera nga emirimu gy'ensi giryokebwa n'omuliro (2Peetero 3:1, a.o.). Walibeerawo okudabulula, era n'ensi erizibwayo mu beera gye yalimu nga mu Lusuku lwa Katonda, awo

»Emirembe egy'a,mazima« we gibeera era n'Omwana `gw'endiga n'omusege bwe biribeera awamu. (Isaaya 11:6-9; Isaaya 65:25 a.o.). Ng'ekyokulabirako mu Baibuli »Okwolesebwa kw'okufuga okw'emyaka olukumi okw'omusanvu«, ebikwata ku kukyuka okusinga mu byafayo by'omuntu, tuyinza okusanga okulaga okw'ekimyanso mu Kigambo kya Katonda.

Ekikwata ku bulamu bw'omuntu, naffe tulina okubala kw'obwa Katonda ku bikwata ku bantu ba Isiraeri, ebyatwogeerwako »Mu nnaku z'obunnabbi«. Kisikiriza nnyo, ekyo Nnabbi Koseya kye yayogera, kaakano ekituukiridde mu maaso gaffe, *“Mujje tudde eri Mukama: kubanga ye yataagula, era ye alituwonya; ye yafumita; era ye ali tunyiga ennaku biri nga ziyiseewo alitulamya: alitugolokosa ku lunaku olw'okusatu, naye tuliba balamu mu maaso ge.”* (Koseya 6:1-2).

»Ennaku biri ez'obunnabbi« ezayogerwako nga awatali kubuusabuusa nga zilaga emyaka egiyise enkumi biri, abaana ba Isiraeri bwe bali babunye ensi yonna okuva mu mwaka 70 AD oluvannyuma nga Yesu amaze okufa. Oluvannyuma lw'ekiseera kiwanvu bw'ekityo, okuva mu 1948 nate tulina eggwanga lya Isiraeri. Okuva mu mawanga gonna bakomyewo mu nsi yaabwe. Obwo bwe bukakafu bw'okutuukirizibwa kw'obunnabbi bwa Baibuli. »Olunaku olw'okusatu« kilaga okufuga okw'emyaka olukumi okuyinza okutandiika mu kaseera konna, Isiraeri bw'eri tegeera Kristo ne eyafukibwako amafuta ne bafuna obulamu bwabwe obw'omwoyo okuva eri Katonda. Omutume Pawulo yawa eky'okulabirako ku Isiraeri, ebyabwe ebyayita n'ebijja mu maaso mu byawandiikibwa ebigoberera, *“kuba oba nga okugobebwa kwabwe kwe kutabaganya ensi, okusembezebwa kwabwe kiki, wabula obulamu mu bafu? … ng'obukakanyavu bwabeera ku baisiraeri ku kitundu, okutuusa okutuukirira okw'ab'amawanga lwe kuli tuuka era bwekityo abaisiraeri bonna balirokoka: nga bwe kyawandiikibwa”* (Abarumi 11:15+25-26; Isaaya 59:20, a.o.).

Amangu nga »Olunku lw'obulokozi« kaakano mmwe tuli kubeera kiweddewo (Isaaya 49:8; 2Abakkolinso 6:2), ensi erina okugumira ebibonoobono ebingi mu biseera by'enkyukakyuka, »ng'olunaku lwa Mukama

terunnatuuka«, okufuga okw'emyaka olukumi okw'omusanvu, kutandiika. Mu Matayo 24 ne byawandiikibwa ebirala, Mukama Katonda yawa eby'okulabirako ku bintu bingi ebyenjawulo, ebyali birina okutambulira awamu n'ebintu mu kiseera ky'enkomerero. Yayogera ku ntalo n'ebyogerwa ku ntalo, ne ku musisi, enjala n'obusambatuuko obulala bwona bwandize ku nsi. N'alyoka ayogera *"Kino naye y'entandiikwa y'ekiseera ky'enaku"*. Musisi n'obusambatuko obulala obw'engeri zonna bulyeyongera, okutuusa ku ekyo ekirindiriddwa ekiseera ekiwanvu. Musisi ku lubalama lw'ebugwanjuba bwa California ku st Andrew's okusuubirwa n'abana science okubeerawo mu kaseera konna era okugenda okusinga musisi yenna abaddewo ku nsi. Bulijo obulumi bw'okuzaala bujja nga tannazaala. Mu Barumi 19:22 tugambibwa nti ebitonde byonna bisinda era birumirwa awamu, nga bikumuirira okuddamu okuzaalibwa. Mu kwegata ku kuzaala kuno Mukama Katonda yakola ekilango, *"Kubanga mu biro ebyo waliba ekibonyoobonyo ekinene, nga tekibangawo kasookedde ensi ebaawo okutuusa leera tekibangawo nate."* (Matayo 24:21).

Mu Luka 21 ne byawandiikibwa ebirala tugambibwa ku bibonyoobonyo ebinene *"Era walibaawo n'obubonero ku njuba ne ku mwezi ne ku mmunyeenye; ne ku nsi amawanga galinakuwala, nga basamaalirira olw'okuwuuma okw'ennyanja n'amayengo; abantu ga bazirika olw'enttiisa n'olwokutunuulira ebyo ebijja ku nsi: kubanga maanyi ag'omu ggulu galikakanyizibwa."* (vv. 25-26).

Tetusoobola kugenda mu buziba ku busambatatuuko buno obunene obwayogerwako mu byawandiikibwa ebitukuvu era nga bimanyiddwa nga »Okusanyizibwawo kw'ensi yonna«. Awatali kubuusabuusa biribeerawo oluvannyuma lwe »Kkanisa ey'omugole« wa Yesu Kristo ng'atwaliddwa mu kitiibwa. Ku Lubereberye Katonda yalagira omuntu okufuga ensi, naye okukikola nga bassa kimu naye. Okweyawula ku ye omuntu ne yeyonona era n'ensi gy'abeeramu. Abakugu boogera nnyo nga bakwatibwako ku mukka, amazzi, era n'okwononebwa kw'ettaka, ku bubi obutusiddwa ku lubu lw'omu bbanga ku »Ebugumu

eriva mu nnyumba«, ne ku busambatuuko obw'obutonde bw'ensi obugenda okubutikira ensi ng'olubu olw'omu bbanga nga lusanyiziddwawo lwonna, awo enjuba nga bwe yali eribeera emirundi musanvu okusinga nga bwe yali mu kusooka. So tutegezebwa mu byawandiikibwa ebitukuvu *“Era omusana gw'omwezi guliba ng'omusana gw'enjuba, n'omusana gw'enjuba gulyeyongera emirundi musanvu, ng'omusana ogw'ennaku omusanvu …”* (Isaaya 30:26).

Omulabi Yokaana ku kazinga ka Patumo yalaba kino nga kibaawo mu kwolesebwa okugoberera, *“Ow'okuna n'afuka ekibya kye ku njuba; n'aweebwa okwokya abantu n'omuliro. Abantu nebwookebwa okwokya okunene: ne bavunama erinnya lya Katonda alina amaanyi ku bibonyoobonyo ebyo; ne bateenenya okumuwa ekitiibwa.”* (Okubikkulirwa 16:8-9). Mu kiseera ekyo ebiro by'ekisa, »Olunaku lw'obulokozi« buliba buweddewo, era n'olwekyo kiriba tekikyasooboka okufuusibwa okujja eri Katonda. Eri abantu bangi kuliba kuzuukuza kwa katyabaga kuliba emirembe gyonna akaseera nga kaweddewo.

Oluvanyuma ng'ejuba ebutikidde ensi erifuuka ekizikiza nga ebyawandiikibwa bwe bigamba, *“Enjuba erifuuka ekizikiza, n'omwezi okuba omusaayi, olunaku lwa Mukama olukulu era olw'entiisa nga terunnaba kujja.”* (Yoweeri 2:31; Ebikolwa by'abatume 2:20). *“… Enjuba n'eddugala ng'olugoye olw'ebyoya, n'omwezi gwonna ne guba ng'omusaayi, n'emmunyeenye ez'omu ggulu n'eziga ku nsi, ng'omutiini bwe gukunkumura amagu gaagwo nga gunyenyezebwa empewo ennyingi … ne bakabaka b'ensi, n'abalangira, n'abagabe, n'abagagga, n'ab'amaayi, na buli muddu n'ow'eddembe ne beekweka mu mpuku ne mu mayinja ag'okusonzi; ne bagamba ensozi n'amayinja nti mutugweko, mutukise mu maaso g'oyo atudde ku ntebe, ne mu busungu bw'Omwana gw'endiga, kubanga olunaku olukulu olw'obusungu bwabwe lutuuse. Era ani ayinza okuyimirirawo?”* (Okubikkulirwa 6:12-17).

Katonda mu kwagaala kwe n'ekisa bulijo awa omuntu ekkubo ery'okwekweka, wadde ne mu biseera bya Nuuwa okuyita mu kyombo, kubanga obusambatuuko obw'amataba bwali nga tebuziyizika so Ekigambo kya Katonda kitulabula kaakano, nti

tusoobole okwekweka nga tusanga obulokozi n'obukumi mu Yesu Kristo, endagaano yaffe ey'obukumi nga obutyabaga tebunnajja. Abo abakkiriza obubaka bw'enjiri era nga beteeseteese balifuna amaanyi okwekweka ebintu byonna ebigenda okukuba ensi era atwalibwe mu kitiibwa nga tekinnabaawo (Luka 21:34-36). Mu kwegata ku kino Mukama waffe yagamba, *"Naye ebigambo ebyo bwe bitanulanga okubaawo mutunulanga waggulu, muyimusanga emitwe gyammwe kubanga okununulibwa kwammwe kunaatera okutuuka."* (Luka 21:28).

Endowooza y'olunaku olw'obutawulira Kigambo kya Katonda awatali kubuusabuusa tekyetagisa, tekisoobola kugonjola kintu kyonna. Ekiragiro kaakano si kya kukankana naye kukkiriza, n'okukola era n'okukyuka okudda eri Mukama. Obubaka bwe kiseera kino bwe: "Okwekweka ku lw'obulamu bwange" - "kubanga omuntu kulimugasa kutya okulya ensi yonna, naye ng'afiiriddwa obulamu bwe?" ebiro by'ekisa bituusa ku nkomerero yabwo. Ennaku zisigaddeyo ntono era nga za kubalira ku ngalo. Okuyitibwa okusembayo kugenda mu maaso ng'akagombe. Buli muntu yenna ayagaala okukomawo eri Mukama alina okukikola kaakano. Mazima kyetagisa nga bwe tulina okuteeka mu nkola ebyawandiikibwa bya Baibuli ebigoberera:

*"Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja ng'omubbi, eggulu bwe luli vaawo n'okuwuma okunene n'ebintu eby'obuwangwa birisaanuuka olw'okwokebwa okungi, n'ensi n'ebikolwa ebigirimu birisirikka. Ebyo byonna bwe bigenda okusaanuuka bwe bityo, mugwanidde okubeeranga mutya mu mpisa entukuvu n'okutyanga Katonda, nga musuubira nga mwegomba nnyo olunaku lwa Katonda okutuuka, olulisanuusisa eggulu nga ly'okebwa, n'ebintu eby'obuwangwa ne biseebengerera ku lw'ebbugumu eringi? Naye nga bwe yasuubiza tusuubira eggulu eriggya n'ensi empya, obutuukirivu mwe butuula."* (2 Peetero 3:10-13).

Ebyawandiikibwa bingi bisoobola okubeera eky'okulabirako ku nsonga eno. Ekyawandiikibwa mu kaseera akawanvu ennyo mangu nnyo bigenda kubeera byafayo. Ng'ogyeko bino byonna tulina okusigala bulindala mu kutegeera mu bintu byonna, okubeera

ddala mu bulamu obwa bulijo nga weteekerateekera obulamu obujja mu maaso, kubanga tewali muntu amanyi lunaku oba saawa. Tulina okukwatibwako kituufu, okuba mu mazima ne Katonda tusoobole okweteekateeka okusisinkana Mukama. Omulembe guno ogusembayo mwe tuli Mukama waffe Yesu Kristo yagufaananya n'omulembe gwa Nuuwa era ne nnaku za Sodoma ne Ggomora (Luka 17:26:30, a.o.). Tewali muntu ayinza kuggana ekintu ekyo kubanga kibutikidde ensi yonna. Abantu abavudde ku bya Katonda batuuse okufuna omusango gwabwe. Katonda agabirira byombi, ekisa eri abo abanoonya okubudama mu ye era ne bakiriza obulokozi bw'emmeme zaabwe era n'omusango eri abo abatakiriza Yesu Kristo.

## OKUYITIBWA OKUSEMBAYO

Ng'okukomawo kwa Kristo tekunnatuuka enjiri esembayo erina okuwuulirwa mu nsi yonna. *"N'enjiri eno ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi zonna, okuba omujulirwa mu mawanga gonna awo enkomerero n'elyoka ejja."* (Matayo 24:14). Awatali kiseera awali obusoboozi nga kaakano okuyita ku mikutu z'empuliziganya okutuukiriza omulimu gwe nga bwe kwetagisa. Mu kitabo ky'okubikkulirwa, omulabi Yokaana amazima ddala yalaba amazima gano mu kwolesebwa okugoberera: *"N'endaba malayika omulala ng'abuuka mu bbanga ery'omu ggulu ng'alina enjiri ey'emirembe n'emirembe, okubuulira abatuula ku nsi n'abuli ggwanga n'ekika n'olulimi n'abantu."* (Okubikkulirwa 14:6)

Abasinga obungi bamanyi nti okuva mu biseera by'okudabulura wabaddewo okuzibwa obuggya okw'omwoyo, nga kukulembela ebuziba mu Kigambo era kumpi ne Katonda. Buli muntu yenna amanyi bino amanyi nti mu kukyuka kwe kyassa ekisembayo okutambula okw'amaanyi okw'omwoyo omutukuvu mu nsi yonna kw'atandiika, era okusingira ddala oluvannyuma lwa sematalo ow'okubiri waliwo okuyitamu enjigiriza ey'amazima ey'abatume n'obuweereza.

Okuzibwa obuggya era n'okuwonyezebwa okw'atandiika mu 1946, nze kye n'alaba mu buntu

okuva mu 1949, oluvannyuma kyeyongera eri amakkanisa amanene agali gamanyiddwa n'amaddini g'abakristayo. Enkumi z'ababuulizi n'abali basinga okumanyibwa, baali basikiriziddwa era ne batandiikawo obuweereza bwabwe. Okuva kw'olwo, enkunggana z'amaddini mu nsi yonna, n'okubuulira, »Ensula« eza»basuubuzi ab'enjiri enzijuvu« nga bwe kyali ne ku kunggana endala zonna ez'abasikiriza z'eyongera. Kaakano »Okusabira abalwadde« era ne »okukozesa ebirabo by'omwoyo« tebikyakolebwa era bya bubinjja obumu, naye bikolebwa kumpi mu maddini gonna ag'abakristayo era nga bikolebwa ne mikutu gy'empuliziganya. Okugyako bino byonna, ababuulizi n'amakkanisa gasigadde mu njigiriza zaabwe ezitali mu byawandiikibwa era n'obuwangwa bwabwe nga tebakimanyi.

Abakkiriza bangi bawulidde okuzibwa obuggya okw'ayogerwko n'okuwonyezebwa, okwatandiika oluvannyuma lwa sematalo ow'okubiri, naye, abantu batono bokka abamanyi e'ngeri, di era ani Katonda lwe yatandiika omulimu guno. Yali Lev. Gordon Lindsay okuva mu Dallas, Texas USA, eyawandiika ekitabo »**WILLIAM M. BRANHAM – OMUSAJJA EYATUMIBWA OKUVA ERI KATONDA**« mu 1950. Mu kitabo kino yawandiika nti mu mwezi gw'okutaano 7, 1946, William M. Branham yali afunye okuyitibwa okw'omu ggulu, nga Pawulo. Bw'atyo omulimu okuva eri Katonda omulimu omunene mu nteekateeka ya Katonda kwa muweebwa ne Mukama yennyini. Gordon Lindsay awandiika engeri omusajja ono, eyali afunye ekisa mu maaso ga Katonda, yakozesebwa ne kikakasibwa naye mu ngeri esinga obukulu, okusinzira ku nkola ey'abatume, abantu bakunggana mu bungi, nga bwe kyali tekilabibwangako. Nga tw'olekera enkomerero y'omwakka 1940's ababuulizi bali abalala n'abo batandiika n'okuza buggya kwabwe era n'enkunggana ez'okuwonyezebwa. Enjawulo wakati wa William M. Branham n'abo abalabika oluvannyuma kwali nti omusajja wa Katonda yateeka nnyo esira ku kuyigiriza Baibuli mu kubuulira kwe, okuva ku ntandiikwa ey'obuweereza bwe okutuusa bwe yagenda okubeera ne Mukama mu 1965.

Mu »Okuzibwa obuggya okw'okubiri« Ababuulizi bali balina entegeka zaabwe. Kiki ekiri kubaawo kaakano mu bano abayitibwa »okuzibwa obuggya okw'okussatu« mu nsi yonna mazima katubagiro, bwe kisomebwa mu byawandiikibwa ebitukuvu. Ababuulizi babuulira »Enjiri ey'okugaggawala« era boogera bingi ku by'amagero n'obubonero; bamala ebiseera bingi mu kusoloza ebirabo okusinga okubuulira. Bangi kubo bafuusa abagagga abasinga. Bwe bagambibwa »okulaga amaanyi« kulina kye kwefaananyiza ne mikolo egya'mazina, nga ziwagirwa n'enyimba. Naye, oluvannyuma lw'okutwala okutunula okw'okumpi, tewaliwo kintu kyonna kya bwa Katonda ky'oyinza kusanga mu kigambo ekibuuliddwa. Enjiri e'ntuufu emirembe n'emirembe tesangibwayo. efuuse enjiri eyakolebwa abantu obubaka obuyitibwamu na buli muntu akiteekako esira ery'enjawulo. Singa Katonda akakasa ekigambo kye mu bantu era ng'okuwonyezebwa kugenda mu maaso, ekyo tekifuula enjigiriza oba ababuulizi oba abakozi bye by'amagero okuba batuufu. Buli mwaka obukadde bwa bantu balamaga ebifo eby'enjawulo nga basuubira okufuna eby'amagero. Omubuulizi bw'asuubiza abantu ababonaabona ekyamagero eky'okuwonya ne Katonda awo ne balyoka bakunggana mu bungi. Naye, okuwonyezebwa kwokka kwe kukakasa nti Katonda mwesigwa, ng'addamu okusaba kw'abo abakkiriza ekyo kye yasuubiza. Omukisa ogw'omwoyo gujjira abo bonna abagwagaala, nga bwe kyawandiikibwa: *"... Mulyoke mubeerenga abaana ba kitammwe ali mu ggulu: kubanga enjuba ye agyakiza ababi n'abalungi, abatonnyezesa enkuba abatuukirivu n'abatali batuukirivu."* (Matayo 5:45).

Okusinzira ku Bigambo bya Mukama waffe, ekituufu n'ekibi byonna bikoleera wamu oludda n'eludda. Mu butuufu, obulimba buli kumpi nnyo era bufaanana ne kituufu nti ` ekigambo ne kyogerwa, "Kristo ali wano. Kristo ali eyo." Mukama waffe yatulabula ku bino ne bigambo ebigoberera, *"Kubanga bakristo ab'obulimba ne bannabbi ab'obulimba baliyimuka,balikola obubonero n'ebyewunyo okukyamya oba nga kiyinzika, abalonde."* (Makko 13:22). Mu butuufu Katonda abeera wokka awali <u>Ekigambo kye, Omwoyo, okuyigiriza</u>

n'ebikolwa mazima ddala mazima gerageranye era otwale ebyawandiikibwa ebitukuvu.

Ebigambo bya Mukama waffe n'abyo kuwa okunyonyola okwetagisa ku kikwata ku nsonga eno, *"Muli bategeerera ku bibala byabwe."* (Matayo 7:16). Si lwa birabo by'omwoyo, ebiyinza okugegenyezebwa, naye olw'ebibala by'omwoyo, ebibikkula embeera ya Kristo era nga t'oyinza ku bigegenya, tumanyiddwa (Abaggalatiya 5:22-23). Ebibala birina okukula era nga gujulira ekikula "ky'omuti" kye guli. Si nkuba ey'omwoyo, naye ekika ky'ensigo mu mutima, kw'atonyesa enkuba, y'ensonga esinga obukulu kubanga buli nsigo eleeta ekikula kyayo. Ensigo zombi, enungi n'enkyamu zonna ziri ku ttaka lye limu mu nsi eno. Mukama n'agamba, *"Muleke bikule byombi bituuse amakungula ..."* (Matayo 13:30). Mu biro by'amakungula enggano ey'omunsiko erisibibwa n'eyokebwa, naye enggano eritwalibwa mu ggwanika. Era kirina okutuukirizibwa ekyo Mukama waffe kye yagamba ku abo abafukibwako amafuta ab'obulimba, *"Bangi abaligamba ku lunaku luli nti Mukama waffe Mukama waffe, tetwalagualnga mu linnya lyo, tetwagobanga Dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga bya magero bingi mu linnya lyo? Ne ndyoka mbaatulira nti sibamanyangako mmwe: muve wendi mwenna abakola eby'obujeemu."* (Matayo 7:22-23).

Kirabika nti bangi ku abo abanoonya Mukama basiimu n'embeera etondeddwawo mu nkunggana ebiseera ebimu tewakyaliwo kusanyuka kw'anzikkiriza olw'embeera etondeddwawo mu nkunggana. Basigala mu buwangwa bw'abantu, mu kifo ky'okunoonya mu mazima okuteesa kwa Katonda era n'okutwala Ekigambo kye okuba ekikulu. Naye, abo ab'amazima bwe banoonya Ekigambo ekya Katonda olw'okulungamizibwa era ne bakigoberera, eyo yokka y'engeri Katonda wa bakkiriza okugenda mu kkubo entuufu eri ekkanisa eyasooka ey'endagaano empya. bokka abanoonya mu mazima balindaba n'eyeeyanjula aliggulirwawo era n'abaguminkiriza okutuusa ku nkomerero baliba bawanguzi.

Abakristayo ab'amazima abakkiriza Baibuli bali gezako okutambulira awamu ne byawandiikibwa ebitukuvu. Bakkiriza enjigiriza ey'abatume ekwata ku

bulamba bwa Katonda, okubatizibwa kw'amazzi, Okulya omubiri gwa Mukama n'ebirala bingi. Era ne bakola ebyo byennyini ab'atume bye bakolanga ku Lubereberye, ebirina okubaawo era n'ebyeyongerayo okutuusa ku nkomerero. Bonna abali mu kkanisa ya Yesu Kristo batwala okuyimirira kwabwe ku musingi guno ogwa Baibuli era kaakano balina obumanyirivu ku kutambula okusembayo okwa Katonda era n'okugumalirizibwa ku lunaku lwa Yesu Kristo okuli kumpi okutuuka. (Abafiripi 1:6).

## ZUUKUKA GGWE EYEEBASE

Ekyetago eky'okuwa okuyitibwa kuno okusembayo era n'okulabula kirabika nga ky'amazima ku bintu ebigenda mu maaso kaakano. Tewali muntu yenna ayinza okweyongera nga tateeka kitiibwa mu kutuukirizibwa kw'ebyo ebyayogerwa bingi . Obunnabbi bwonna obwa Baibuli obutannatuukirizibwa buli mu kiseera kyennyini eky'okutuukirira. N'agamba Nnabbi Danyeri, *"... Bikka ku bigambo, osse akabonero ku kitabo okutuusa ekiseera eky'enkomerero: bangi abaliddiggana embiro, n'okumanya kulyeyongera."* (Danyeri 12:4). wokka ebiro bwe bituuka obunnabbi bwa Baibuli okutuukirizibwa twaweebwa okutegeera ku ekyo.

Buli musomi wano aweebwa ekintu okukilowoozako, mu bumalirivu okuteeka mu nkola ensonga eno. Oluvanyuuma lwa byonna kino kikukwatako n'omuntu kin'omu. Katonda alina entegeka eri abantu ekilambulukufu era ekituufu mu maaso gaffe. Obubonero ne bya magero byokka si bye bisanyizo ebisalawo ebya Baibuli. N'embeera, eyinza okutonddebwawo teyinza kubalibwa mu maaso ga Katonda. Ku ye ebintu byonna birina okuba eby'amazima. Kaakano okulangirira kw'ekumu okw'ekigambo kya Katonda era n'ebikolwa by'ebimu eby'abatume birina okusangibwa awamu n'okukkiriza okw'ebyawandiikibwa mu Kigambo kya Katonda, nga kisibuka mu Yesu Kristo, Mukama waffe.

N'ekitiibwa eky'amazima, bonna abalina okutya okwa Katonda era nga bebamu ku kkanisa ya Yesu Kristo balikkiriza »Obubaka obw'ekiseera«, okufuna

ebisuubizo eby'ebiro bino ebisembayo, era ne basuubira okutuukirira kwabyo. Nga Kristo tannakomawo buli kintu kirina okuzibwayo mu ntegeeka yabyo entuufu okusinzira ku Baibuli era n'okulongoosebwa mu mbeera yabyo eyasooka, nga bwe kyayogerwako mu Ebikola by'abatume 3:21 mu kulaga okukomawo kwa Kristo, *"Eyagwanyizibwa okutwalibwa mu ggulu okutuusa mu biro eby'okulongoosezamu byonna, Katonda bye yayogereranga mu kammwa kabannabbi be abatukuvu abaaliwo okuva ku Lubereberye."*

Obulamu obutagwaawo n'obulokozi tebuweebwa n'abikolwa by'anzikkiriza ebimu oba ebitongole ebimu eby'enzikkiriza. Buli omu alina okubeera n'obulokozi obwa kin'omu ng'alina obumanyirivu okuva eri Katonda okuyita mu kukkiri mu Yesu Kristo, eyazuukira mu buwanguzi. Kino kimalirizibwa n'okukkiriza okuva mu kuwuulira Ekigambo kya Katonda – Enjiri enzijuvu, n'okukkiriza mu bununuzi n'okusonyibwa; kifuuka amaanyi ga Katonda naffe (1 Abakkolinso 1:18).

Buli omu kuffe alina okubeera n'obumanyirivu buno kin'omu okufuna okutabagana ne Katonda. Okukyusibwa mu Baibuli okudda eri ye, okuzaalibwa okuggya n'omwoyo (Yokaana 3:6), okufuna obukakafu bw'obulokozi (Abarumi 8:16), era n'okubatizibwa okw'omwoyo omutukuvu (Ebikolwa by'abatume 2:4, a.o.). bwe bumanyirivu obw'etagisa. Tulifuna akabonero ak'omwoyo omutukuvu wokka oluvannyuma lw'okukkiriza Ekigambo eky'amazima (Abaefeso 1:13). Katonda yatabagana n'abantu, nga naawe mw'oli, naye yennyini mu Yesu Kristo Mukama waffe (2Abakkolinso 5:19). Okukkiriza okwo okw'amazima kw'egatiira ddala ku bubaka obw'amazima obwa Yesu Kristo. *"Mmwe bennyini mutabaganenga ne Katonda!"*

Mu kutabagana, kino kigambibwa: waliwo abantu abakkiriza nti Katonda asangibwa mu buli nzikkiriza, era bagamba nti Yesu Kristo ali omu ku bangi abatandiikawo enzikkiriza. Ekyo mazima kiruma. Mukama waffe era omulokozi ali wala nnyo ku balala abatandiisi b'enzikkiriza nga eggulu bwe liri ewala ku nsi. Okukkiriza mu ye kwe kukkiriza mu Katonda yennyini, okuwa esuubi eritagwaawo era n'obulokozi. Okwo kusomoza eri Mukama waffe okumu geregeranya ku muntu yenna eyeteekako okuba nnabbi. Bonna bafa

ne bazikibwa n'endowooza zaabwe, era tewali n'omu kubo eyazuukuka okuva mu bafu. Baali bantu nga bwe tuli era nga tebayinza kweyamba oba okulokola abalala. Abo ababagoberera balikomenkereza gye bali. Emirembe n'emirembe waliwo omu yekka eyali agamba, *"Nze kkubo, n'amazima, n'obulamu"!* Abo abagoberera Mukama balibeera gy'ali. Mu Yesu Kristo Katonda mu buntu atusisinkana, wokka mu ye mwe tuyinza okusisinkana Katonda mu buntu. Waaliwo omu yekka mu byafayo byonna eby'omuntu okuyita mu oyo Kitaffe ow'omu ggulu mwe yalabisibwa yennyini ku nsi. Ekyo kiri mu mwana we yekka eyazaalibwa, Yesu Kristo. Mu ye yatufuula baana ab'obulenzi n'abobuwala aba Katonda, "... *Bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo nga bwe yasiima olw'okwagala kwe."* (Abaefeso 1:5).

N'okutuusa ku nkomerero, nga Kristo tannakomawo, walibeerawo okussekimu okwa bakkiriza abali wansi wa Kristo ng'omutwe, si kibina naye ekintu ekilamu – omubiri gwa Kristo. Okuyitamu okw'amaanyi okw'omwoyo ku ekyo, okulangirira ok'ekigambo ekyasooka okusinzira ku Bikolwa eby'abatume mu kkanisa ey'omugole owa Mukama eri kumpi, bwekityo bwe kiri ba "Okumaliriza okw'okuza obuggya" okusumulurwa nga bwe kyali ku Lubereberye mu nnaku ez'abatume, so bwe kiriba ne kaakano n'okutuusa ku nkomerero. Ekitabo eky'abatume kikyali kyokka ekyebikolwa ebibalibwa mu maaso ga Katonda eri ekkanisa ey'endagaano empya. Ennaku za Baibuli we ziri wano nate! Yesu Kristo jjo ne leero aba bumu n'okutuusa emirembe n'emirembe.

Omusomi omwagalwa,

nsuubira nti ebigambo bino eby'olwatu tebikuletere kuba na kwekanga naye okuyamba ng'obutangavu obulungamya okukulembera okugenda mu ggulu, okulaga ekkubo etuufu ery'okwekweka. Okukkiriza okuleeta obulokozi tekusangibwa mu nzikkiriza eyafa, naye mu Mukama omulamu eyazuukira okuva mu bafu, eyatwalibwa mu Kitiibwa era alikomawo nate. Eky'amazima ly'ekkubo lino erimu lyoka, abantu bonna abagala okulokolebwa mmwe balina okutambulira. Buli muntu yenna ayagala okutuuka ku kigendererwa ekitagwaawo alina okuleka ebintu byonna ebitasibuka

mu bwa Katonda, okuleeka obuwangwa bwonna obw'enzikkiriza okomewo eri Mukama.

Okubeera omu ku nzikkiriza tekirina kye kikola ku bulokozi bw'emmeme, ekiva eri Katonda yekka. Tewaliwo Sacramento ` oba kikolwa kyonna eky'enzikkiriza ekiyinza okukuwa obulokozi. Omulokozi yekka yayinza okulokola, era n'obununuzi busangibwa mu mununuzi yekka. Kubanga kyawandiikibwa: *"Akkiriza Omwana alina obulamu obutagwaawo; naye atakkiriza Omwana, taliraba bulamu, naye obusungu bwa Katonda bubeera ku ye."* (Yokaana 3:36). Okukkiriza okumalirivu mu Katonda omu ow'amazima, ey'ebikkula yennyini mu Yesu Kristo, yetagibwa mu buli muntu kin'omu (Yokaana 17:3).

Abo abasuubiza nga bamaliridde okukola ekintu ekirungi nga balina ebirubirirwa ebirungi, balitegeera nti tebakola wabweru oba okubakulembera okugenda eri Katonda. Okugyibwako omusango mu maaso ga Katonda kuva mu kukkiriza okuyita mu Yesu Kristo. Kyakuwayo eky'ekisa ekitaliko muwendo ekilagibwa eri abantu. Osoobola okukola okusalawo kwo okw'obutagwaawo kaakano. Enjiri ya Yesu Kristo, Mukama waffe era omulokozi, mazima ddala alifuuka obubaka obw'obununuzi ku lulwo ng'omuntu kin'omu.

Jangu okkirize kaakano mu Mukama Yesu Kristo, eyakugyako ebibi byo byonna era ng'awakisa gy'oli. Osoobola okuyita erinnya lye, nga bangi bwe bakoze mu biseera ebiyise. Obulokozi butuukiddwako ne bonna abaana ab'amazima aba Katonda okuyita mu mirembe gyonna. Tewali akyayagala okukyamizibwa nate oba mu ngeri endala okulimbibwa n'enjogera nti ebintu bijja kuba birungi mu ngeri endala yonna. Basoobola okuba batuufu mu butagwaawo wokka oluvannyuma lw'okufa, singa bafuuka abatuufu nga bakyali balamu. Buli muntu yenna asoobola okufuna obumanyirivu bw'obulokozi bwa Katonda era n'afuna okukakasibwa nti basonyiwiddwa era ne bakkirizibwa ne Mukama.

Nkugamba gezako kaakano, nga bwe tukomenkereza okulaga kuno, okw'ogera n'omulokozi wo mu kusaba. Yogera bwogezi naye mu kukkiriza era okkirize nti ebyawandiikibwa ebigoberera era n'ekigambo kya Katonda kyonna kikyali kituufu era nga ky'amazima eri

buli muntu yenna kin'omu. N'olwekyo naawe osoobola okusaba, *"... Asonyiwa ebikolwa byo byonna ebitali bya butuukirivu; awonya endwaddezo zonna ..."* (Zabbuli 103). Olina okuba mukakafu nti Mukama, omulokozi waffe, akuyita kaakano n'ebigambo bye bimu nga bwe yakola edda, *"Mujje gye ndi mmwe mwenna abakoye era abazitoowereddwa, nange nnabawumuza."* (Matayo 18:28). Esula eddako nayo ekyali mu maanyi, *"... ajja gye ndi sirimugobera bweru n'akatono"* (Yokaana 6:37).

*"Yesu n'addamu n'amugamba nti ddala ddala omuntu bw'atazaalibwa mulundi gw'akubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda."* (Yokaana 3:3). Omuntu yekka alina obumanyirivu obw'okuzaalibwa okuggya y'asoobola mu mazima okwewayo eri okwagala kwa Katonda era alikkirizibwa okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

*"Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda be bakkiriza erinnya lye: abataazaalibwa musaayi, newakubadde okwagala okw'omubiri newakubadde okwagala kw'omuntu, naye abaazaalibwa Katonda."* (Yokaana 1:12-13).

*"Mwe tubeerera n'okununulwa kwe kusonyiyibwa kwe bibi byaffe ..."* (Abakkolosaayi 1:14).

**K**ubanga kyawandiikibwa:

*"Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu obwo buli mu mwana we. Alina Omwana alina obulamu; atalina mwana wa Katonda talina bulamu."* (1 Yokaana 5:11-12).

Ebyawandiikibwa bino ebigoberera bifuuke eby'amazima eri abasomi bonna abayita erinnya lya Mukama, *"Kubanga ayogera nti mu biro eby'okukkirizibwamu nnakuwulira, ne ku lunaku olw'obulokozi nnakuyamba: laba, kaakano bye biro eby'okukkirizibwamu; laba, kaakano lwe lunaku olw'obulokozi"* (2 Abakkolinso 6:2).

<u>Olunaku luno luyinza okubeera nga lwe lusinga omuwendo era n'omugaso mu bulamu bwo</u>!

Mu kitabo kino tusobodde okukwata ku nsonga ntono zokka. Eri abo bonna abogerezeddwa n'omwoyo

gwa Katonda era nga bagala okutegeera bingi ku ye era n'etegeka ye ey'obulokozi tulina ebitabo ebiwandiike ebyesigamye ku byawandiikibwa ebitukuvu byokka. Awatali kubuusabuusa tekyali kya kabenje naye kyalagirwa ne Katonda nti ekitabo kino ekigonvu kisoobole okugwa mu mikono gyo.

N'omutima gwange gwonna mbagaliza omukisa gwa Katonda omuyinza w'ebintu byonna.

»Free Peoples Mission« Ky'atondebwawo mu 1960. kibina ky'ababuulizi ba Baibuli abatalina kakwate n'amaddini olw'okwongerayo obwakabaka bwa Katonda. Tuweereza abantu mu mawanga agasoba mu 140 ne bitabo mu nnimi nyinji era nga tubaweereza embuulira ku ntambi ezilaga n'ezitalaga ebifaananyi bwe baba ba byagadde. Ebintu byonna biweebwa abantu awatali kusasula muwendo gwonna. Tewali nsimbi zonna zetagisibwa okuva mu bantu abaweereddwa ebintu. Ensimbi n'omuwendo tegwogerwako. Okuva ku Lubereberye, obuweereza bwonna gye butuuse bubadde bukolebwa okuyita mu biweebwayo eby'eddembe eby'abaana ba Katonda, n'okutuusa ne leero. »Free Peoples Mission« Kimanyiddwa nga ekyakolebwa awatali kuba na kigendererwa eky'okufuna magoba, nga kiweereza ekirubirirwa ky'enzikkiriza yokka mu kugabana enjiri ey'enkomerero mu nsi yonna.

Omuweereza Ewald Frank, omuwandiisi w'ekitabo kino ye Yennyini atambudda amawanga 120. Ategese embuulira mu Bibuga ebikulu era ayogedde ku Radio ne zi Tv eri amawanga gonna. Nga omuyigiriza wa Baibuli yayitiibwa okw'ogera mu nkunggana z'ensi yonna ng'agabana Ekigambo kya Katonda n'abaweereza okuva mu buli semazinga w'ensi.

Buli lunaku olusooka mu nnaku musanvu buli mwezi aweereza mu kkanisa ye ey'ewaka mu Krefeld Mission Center. Enkunggana ezenjawulo nga mu beeramu ab'oluganda okuva mu mawanga mangi agenjawulo. Nga bwe ky'etagisa olukunggana luweerezebwa bulijo mu nnimi kkumi n'ebiri nga bwe ky'etagibwa.

**Contact address**

Mission Center
P.O. Box 100707
47707 Krefeld
Germany

volksmission@gmx.de

Frank@freie-volksmission.de

www.freie-volksmission.de



Ekifaananyi ky'ekitebe kyobuweereza bw'ensi yonna mu Krefeld.

Kitudde ku bugazi bw'ettaka 10 thousand square meters property okuli ekizimbe ky'ekkanisa. Okutuula abantu 600, era n'enyumba eyabo abalabirira ekifo. Waliwo office 2 era ne bizimbe ebiriko ebisulo n'ennyumba omufuulumizibwa ebitabo.